Omubaka atali Mutongole ewa Sabagabo,
e Masajja.

Legal Notice No. 12 of 1951.

OBWAKABAKA BW'E BUGANDA.

# ETTEEKA.

## ETTEEKA ERITEKAWO ENKIIKO EZA WANSI MU BUGANDA.

LITEKEDDWA SSABASAJJA KABAKA AWAMU N'OKUTEESA KW'OLUKIIKO N'OKUKKIRIZA KW'OWEKITIIBWA GAVANA.

1. Etteeka lino linayitibwanga etteeka ery'enkiiko eza wansi mu Buganda. Erinnya.

## EKITUNDU EKISOOKA.

### Enkiiko z'Amasaza.

2. Obwamemba mu nkiiko z'amassaza bunabanga bwebuti: — Obwamemba.

*Ow'olubeerera:* Omwami Ow'essaza yanabanga mu ntebe.

*Ow'olubeerera:* Omubeezi w'Ow'essaza oba Omusigire w'Ow'essaza.

*Ab'olubeerera:* Abaami abaggombolola.

Omwami ow'omuluka omu okuva mu buli Ggombolola analondebwanga nga bagoberera etteeka ery'okuloonda ababaka erinabaangawo mu kiseera ekyo.

Abomu nkiiko bano banakungananga, ne baloonda era nebaweereza eri Ssabasajja Kakaba amannya ag'abantu abalina obumanyirivu mu mirimu abomu Ssaza eryo, nga n'abakazi bakkirizibwa, bakakasibwe okutuulanga mu Lukiiko olwo, nga kigendererwa omuwendo gw'Ababaka Abatali Batongole nga gugatiddwa n'ogwa ba-memba bano gusinze abantu 2 omuwendo gw'Ababaka Abatongole bona abatuula mu Lukiiko olwo.

Bamemba bonna, wabula abo ab'olubeerera, banamalanga ebbanga lya myaka esatu.

3. Abantu bano wammanga nga basabiddwa, obanga baagadde, banajjanga mu nkiiko za Massaza okuwa amagezi: Abawi b'amagezi.

Ba-Minister oba ababaka baabwe.

Resident, Buganda oba Omubaka we.

Ba Provincial Officers aba Gavumenti Enkuumi oba ababaka baabwe.

Omutongole yenna owa Gavumenti Enkumi oba Eng'anda bw'an'abanga akkiriziddwa Ba-Minister.

4. Enkiiko ezo ku massaza zinateekwanga okukung'ana obutakka wansi wa mulundi gumu buli myezi esatu oba obutasinga omulundi gumu mu buli mwezi nga bamemba abasinga obungi bwe banabanga bateesezza, wabula: Enkung'aana.

(1) Omukulu w'entebe anayinzanga wanabanga ayagalidde okuteekawo olukung'ana olulala, bw'an'alanbanga nga waliwo ensonga ez'amangu ez'okuteesaako, ezitayinza kulindirira lukung'ana olwa bulijjo oluddirira, era an'ateekangawo olukung'ana olw'engeri eyo mu kiseera kyonna bw'an'abanga asabiddwa Ba-Minister oba Resident, Buganda.

(2) Omukulu w'entebe an'ayinzanga okuteekawo olukung'ana olutali lwa bulijjo mu kiseera kyonna bw'an'abanga asabiddwa bamemba abasinga obungi mu buwandiike, era nga bategeeza n'ensonga eteesesaawo olukung'ana olwo.

(3) Olukiiko lunateesanga mu lwaatu, kyokka obukiiko obutonotono obunateekebwangawo nga ekitundu 13 bwe kigamba bwo bunayinzanga okuteesa mu kyaama.

Ebbaluwa eziyita Olukiiko.

5. Ebbaluwa eziyita Olukiiko zinaweerezebwanga eri bamemba bonna—basobole okuzifuna mu banga eritakka wansi wa nnaku satu okutuuka ku lunaku olw'okuteesezako. Okuyita kuno kusaana kubeerenga mu buwandiike, era zinategeezanga ebyo ebigenda okuteesebwako bwebinabanga bimanyiddwa.

Eby'okuteesaako.

6. Omukulu w'entebe an'ateekateekanga eby'okuteesaako, era an'ateekangamu ebigambo ebiva eri bamemba ababiri oba okusingawo, oba ebiva mw'ebyo ebyateesebwa mu Lukiiko olwa ggombolola oba ebiweerezebwa okuteesebwako nga biva mu Lukiiko Olukulu, oba ebivudde eri Ba-Minister. Ensonga ezo zonna ziteekwa okutuuka eri Omukulu we'entebe nga ekyabula ennaku musanvu okutuuka ku lunaku olw'okuteesezaako.

Ebiteeseddwako.

7. Ebiteeseddwako binakuumibwanga, nga biraga abo ababaddewo mu kuteesa era ne byonna ebikoleddwako. Ebiteeseddwako bino binakakasibwanga mu lukung'ana oludirira, kyokka ebyo ebitesebwako nga byamala dda okuwebwa mu buyinza bwe Ssaza eryo Olukiiko lunalagiranga nebikolebwako awatali kulinda okukakasibwa ku mulundi oguddiridde. Bamemba b'Olukiiko bananbanga n'eddembe okubikebera we banayagaliranga mu biseera bya Office.

Obutuufu bw'enkung'ana.

8. Kinasaaniranga ekitundu kimu kya kubiri ekya bamemba b'Olukiiko okubaawo olw'okusobozesa Olukung'ana lw'Olukiiko olwo okuba olutuufu.

Okuggyamu Bamemba.

9. Memba yenna, okuggyako memba ow'olubeerera, anaalemwanga okubeerawo mu nkung'ana z'Olukiiko esattu eziddiriragana awatali nsonga ntuufu, oba an'abanga asengukidde ddala mu Ssaza, an'agibwanga mu bwamemba bw'Olukiiko nga bamemba abasinga obungi bakkiriza. Era ekifo kye kinajjuzibwanga nga Ekitundu 11 eky'etteeka lino bwe kigamba.

Okugobebwa kwa bamemba.

10. Tewali n'omu anakkirizibwanga okuba memba w'Olukiiko nga yasibibwako mu kkomera olw'omusango ogumenya amateeka.

Ebifo ebigwawo amangu.

11. Ebifo ebinagwangawo amangu binajjuzibwanga mu ngeri eno:

(1) Ku baami ab'emiruka, Olukiiko lwe Ggombolola lunalondanga omulala.

(2) Ku babaka abatali batongole, oyo eyaddirira mu kufuna obululu obungi mu lulonda lw'ababaka olwakayita mu ggombolola eyo, anajjuzanga ekifo ekyo.

(3) Ku bantu abalina obumanyirivu mu mirimu, Olukiiko lunaweerezanga eri Ssabasajja Kabaka erinnya ly'omuntu oyo alondeddwa Olukiiko olujjuvu.

12. Olukiiko lunayinzanga okuteesa n'okuyisa ensonga. Ensonga yonna erimu obutakkiriziganya enesalibwanga na kalulu, era kinatwalibwanga nga kye ky'okuteesaako ky'Olukiiko ekyamalibwa ekitalina kubuusibwabuusibwa nate, Omukulu w'entebe bw'an'abanga aweereza ekigambo ekiteeseddwa ne kiyisibwa mungeri eyo, anayinzanga okuweererezaako okunnyonnyola kwe. Singa enjuyi zombi zenkanankana mu muwendo ogwa kalulu, Omukulu w'entebe y'an'asalangawo. Ekigambo kyonna ekiteesebwako Olukiiko tekikomezebwengawo okuteesebwako okumala emyaka ebiri wabula nga ⅔ (bibiri bya kusatu) eby'abasinga obungi ab'Olukiiko olujjuvu nga bakubye akalulu nti kisaana okuddamu okulowoozebwako. Enteesa.

13. Olukiiko lw'Essaza lunayinzanga okulonda obukiiko obw'okukola omulimu gwonna gwe lunalowoozanga nti guyinza okukolebwa obukiiko mu ngeri ennyangu oba obulungi, Abawi b'amagezi, nga babadde bakkirizza, banalondebwanga ku bukiiko obw'engeri eno. Obukiiko.

14. (*a*) Enkiiko ez'amassaza zinakolanga emirimu gyonna eginnaziweebwanga nga gisinziira mu tteeka oba mu biragiro eby'obufuzi ebiva eri Ba-Minister. Emirimu gy'Olukiiko lw'Essaza.

(*b*) Banateesanga ku nsonga ezikwaata ku massaza gaabwe era banaweerezanga ebisembeddwa eri Ba-Minister, era n'ebyo ebisaana okuweereza ewa Resident ne biweerezebwa nga biyita ku Ba-Minister.

15. Banayinzanga okuweereza ebiteeseddwako mu Lukiiko Olukulu, naye Ba-Minister banalabanga obanga bituufu oba si bituufu okuteekebwa mw'ebyo ebigenda okuteesebwako. Bwebinabanga nga tebiyingizibwa mu byakuteesaako, Olukiiko olw'Essaza lunategeezebwanga ensonga ebigaanyi okuyingizibwamu. Ebiteeseddwako eby'okuweerezanga mu Lukiiko Olukulu.

16. (*a*) Enkiiko z'amassaza teziteesenga nsonga ezikwaata ku kuloonda abaami aba Gavumenti Eng'anda, wadde okweyingiza muby'obufuzi bwayo.

(*b*) Enkiiko z'amassaza tezisalenga mpaka yadde okweyingiza mu ngeri yonna, mu nsonga ezikyaali mu mbuga ey'Amateeka.

17. Olukiiko lwonna olw'Essaza bwe lunassukkirizanga obuyinza bwalwo, oba bwerunabanga lulemeddwa okukolera kw'ebyo ebiri mu tteeka lino, oba bwe lunakolanga ekikolwa kyonna ekitakkiriziganya n'embeera ennungi era n'enfuga ey'Obwakabaka bw'e Buganda, Ssabasajja Kabaka, awamu n'okukkiriza kwa Owekitiibwa Gavana, an'ayinzanga okumenyawo Olukiiko olwo, okutuusa lw'an'alabanga nga kisaanira okuzzaawo Olukiiko oluggya. Mu kiseera ekyo Olukiiko kye lunamalanga nga lumenyeddwa, obuyinza bwalwo Omwami Ow'essaza y'an'abutwaalanga era y'an'akolanga n'emirimu gyalwo. Okumenyawo Olukiiko.

## EKITUNDU II.

### Enkiiko za Ggombolola.

18. Obwamemba mu Nkiko za Ggombolola bunabanga bwe buti:— Obwamemba.

*Ow'olubeerera:* Owaggombolola y'an'anabanga mu ntebe.

*Ow'olubeerera:* Omusigire w'Owaggombolola.

*Ab'olubeerera:* Ab'emiruka bonna.

Omubaka Atali Mutongole omu okuva mu buli Muluka alondeddwa okusinziira mu Tteeka ery'Okulonda Ababaka Abatali Batongole erinabangawo mu kiseera ekyo.

Omwami Omutongole omu okuva mu buli Muluka nga alondeddwa Olukiiko lw'Omuluka.

Abantu abalina obumanyirivu mu mirimu, nga n'abakazi bakkirizibwa, abatuula mu Ggombolola eyo, nga balondeddwa akalulu ka bamemba abalagiddwa waggulu, nga kigendererwa omuwendo gw'Ababaka Abatali Batongole nga gugatiddwa n'ogwa Ba-Memba bano gusinze abantu 2 omuwendo gw'Ababaka Abatongole bona abatuula mu Lukiiko olwo.

Bamemba bonna okuggyako bamemba ab'olubeerera, banalondebwanga okumala ebbanga lya myaka essatu.

Abawi b'Amagezi.

19. Abantu bano wammanga nga basabiddwa, oba nga baagadde, banajjanga mu nkiiko za Ggombolola era n'okuwaamu amagezi, naye si kukuba kalulu: —

Ba-Minister oba Ababaka baabwe.

Ow'essaza, oba Omusigire we.

Resident, Buganda, oba Omubaka we.

Ba-Provincial Officers aba Gavumenti Enkuumi, oba Ababaka baabwe. Omutongole yenna owa Gavumenti Enkuumi oba Eng'anda nga aweereddwa obuyinza okuva eri Ba-Minister.

Eby'okuteesaako.

20. Enkiiko za Ggombolola zinatuulanga omulundi gumu omwezi okuggyako mu ssaza ly'e Sesse n'e Buvuma yokka awetaagibwa enkung'aana ennya omwaka.

21. Ebbaluwa eziyita Olukiiko zinaweerezebwanga eri bamemba bonna mu bbanga eritakka wansi wa nnaku 2 okukung'aana kulyooke kubeewo. Ebbaluwa zino zinabanga mu buwandiike era zinategeezanga ebyo ebigenda okuteesebwako bwebinabanga bimanyiddwa.

Ebbaluwa eziyita.

22. Omukulu w'entebe anateekateekanga eby'okuteesaako era anaggattangamu n'ebigambo, bamemba babiri oba okusingawo byebasaba okuteeka ku ebyo eby'okuteesaako, oba ebiweerezebbwa nga bimaze okuyisibwa mu Lukiiko lw'Omuluka, oba ebisabiddwa Ow'essaza oba Olukiiko lw'essaza biteesebweko. Ebigambo ebyo biteekwa okutuuka eri Omukulu w'entebe ng'ekyabulayo ennaku nnya namba olukung'aana okubaawo.

Olukiiko.

23. Ebigambo ebiteesebwa era n'abantu ababaddewo ne byonna ebikoleddwa, binakuumibwanga mu buwandiike. Ebigambo bino ebiteesebwa binakakasibwanga ku lukung'aana oluddirira, kyokka ebyo ebiteseebwako nebikkirizibwa nga byamala dda okuwebwa mu buyinza bw'Eggombolola, ebyo Olukiiko lunalagiranga nebikolebwako awatali kulinda okukakasibwa ku mulundi oguddiridde, binabeeranga awo bamemba b'Olukiiko nebasobola okubiraba ekiseera kyonna mu biseera bya Office.

Enkungaana.

Obutuufu bw'enkung'aana.

24. Olukiiko olunakkirizibwanga nti lutuufu lunateekwanga okubeeramu bamemba omuwendo gwaabwe nga si mutono okusinga kitundu kimu kya kubiri ekya bamemba bonna ab'olukiiko.

Okuggyamu Bamemba.

25. Memba yenna, okuggyako memba ow'olubeerera, an'alemwanga okubaawo mu nkuung'aana eziddiriragana emirundi ena nga talina nsoonga ntuufu oba an'asengukiranga ddala mu Ggombolola, anaayinzanga okugibwa mu Lukiiko bamemba b'Olukiiko abasinga obungi nga bamaze okukiyisa mu kuteesa era ekifo kye kinajjuzibwanga mu ngeri y'ekifo ekiguddewo amangu okusinziira ku Kitundu 27 ekye Tteeka lino.

Ebiteeseddwako.

Okugobebwa kwa Bamemba.

26. Tewali muntu n'omu anatuulanga nga memba w'Olukiiko nga yasibibwako mu kkomera olw'omusango ogumenya amateeka.

27. Ebifo ebigwawo amangu binajjuzibwanga:— Ebifo ebigwawo amangu.

(1) Bwe bananbanga Abaami Abatongole, Olukiiko lw'Omuluka lunaddangamu okulonda omulala.

(2) Bwe bananbanga ababaka abatali batongole, omuntu eyali ow'okubiri kw'oyo avuddewo mu kufuna obululu obungi ku lulonda olwayita mu muluka oguguddemu ekifo, y'an'alondebwanga.

(3) Bwe bananbanga abantu abalina obumanyirivu mu mirimu banakubirwanga kalulu mu Lukiiko olujjuvu nga balondebwa.

28. Olukiiko lunayinzanga okubaako bye lumala. Ensonga yonna erimu obutakkiriziganya enesalibwanga n'akalulu, era ekirowoozo ky'abasinga obungi kye kinakakasibwanga, era ekyo kinatwalibwanga nga kye ky'okuteesebwako nekikkirizibwa Olukiiko ekitalina kubuusibwabuusibwa nate. Omukulu w'entebe bw'an'abanga aweereza ekigambo ekiteeseddwa ne kiyisibwa mu ngeri eyo—anayinzanga okuweererezaako okunnyonnyola kwe. Singa enjuyi zombi zenkanankana mu muwendo ogwa kalulu Omukulu w'entebe y'an'asalangawo. Enteesa.

Ekigambo kyonna ekiteesebbwako Olukiiko tekikomezebwengawo okuteesebwako okumala emyaka ebiri wabula nga $\frac{2}{3}$ (bibiri bya kusatu) ebya abasinga obungi ab'Olukiiko olujjuvu nga bakubye akalulu nti kisaana okuddamu okulowoozebwako.

29. Enkiiko za Ggombolola zinakolanga emirimu gyonna egizikwasiddwa okusinziira ku Tteeka oba ku Kiragiro kya Ssabasajja Kabaka eky'obufuzi oba ekya Ba-Minister oba Ow'essaza. Emirimu egy'Olukiiko lw'eggombolola.

30. Enkiiko za Ggombolola ebiseera byonna zinateesanga ku bigambo ebikwaata ku Ggombolola zaazo, era ne ziweereza bye ziteesezza eri Ow'essaza ne biyita muye okutuuka ku Ba-Minister era ne ku Resident, Buganda, nga bwekiba kisaanidde, oba zinaweerezanga ebigambo bye ziteesezza ne biteesebwako mu Lukiiko lw'Essaza.

31. (*a*) Enkiiko za Ggombolola teziteesenga ku kulonda abaami ba Gavumenti Eng'anda, wadde okweyingiza mu by'obufuzi bwayo.

(*b*) Enkiiko za Ggombolola tezisalenga nkayana wadde okweyingiza mu ngeri yonna mu nsoonga yonna ekyaali mu mbuga ey'amateeka.

32. Olukiiko lwa Ggombolola bwe lunasukkirizanga obuyinza bwalwo oba bwe runalemwanga okugoberera ebigambo ebiri mu teeka lino oba bwerunakolanga ekikolwa kyonna ekitakkirizaganya na mbeera ennungi n'enfuga eby'Obwakabaka bw'e Buganda, Ssabasajja Kabaka, awamu n'okukkiriza kw'Owekitiibwa Gavana, an'ayinzanga okumenyawo Olukiiko olwo okutuusa ekiseera ky'an'abanga alowoozezza nti kisaanira okuzzaawo Olukiiko oluggya. Mu kiseera ekyo Olukiiko kyerunamalanga nga lumenyeddwawo, obuyinza bwalwo bwonna bunabanga ku Mwami wa Ggombolola era n'emirimu gyalwo y'an'agikolanga. Okumenyawo Olukiiko.

## EKITUNDU III.

### Enkiiko z'Emiruka.

33. Obwamemba mu Nkiiko z'Emiruka bunabanga bwebuti:— **Obwamemba.**

*Ow'olubeerera:* Ow'Omuluka.

*Ow'olubeerera:* Omusigire w'ow'Omuluka.

*Abaami:* Abatongole bonna.

Abaami bonna abalina ettaka erissukka ika 50 mu muluka, oba ababaka baabwe.

Abaami bonna abalina ettaka mu muluka nga balina abasenze abawa omusolo abassukka omukaaga ku ttaka lyabwe, oba ababaka baabwe.

Ababaka b'Omuluka abalondebwa okusinziira ku Tteeka ery'okulonda Ababaka Abatali Batongole erinabangawo mu kiseera ekyo.

Ababaka abalala abatassukka mukaaga, abatuula mu muluka, nga n'abakazi bakkirizibwa, abalondebwa mu kalulu ka bamemba abalagiddwa waggulu.

Memba yenna, okuggyako bamemba ab'olubeerera, banalondebwanga okumala ebbanga lya myaka esatu.

Enkung'aana.

34. Olukiiko olw'Omuluka teruyisengawo mwezi nga terutudde era lunayinzanga okutuula omulundi gumu mu buli wiiki nga bamemba abasinga obungi bakyetaaze, kyokka mu Masaza Sesse ne Buvuma, tebetagenga kutuula buli kiseera okusinga omulundi ogumu mu buli myezi esatu, wabula Omwami ow'Omuluka an'ayinzanga okutekawo olukung'ana mu kiseera kyonna olw'ensonga ey'amangu oba bw'an'abanga asabiddwa.

Ebbaluwa eziyita Olukiiko.

35. Omukulu w'entebe yalina okuvunaanyizibwa olw'okuyita abantu okukung'aana era y'an'ategeezanga bamemba bonna ng'ekya bulayo ennaku ezisinga obutono biri nga okukung'aana tekunaba kutuuka.

Ebiteeseddwako.

36. Ekiwandiiko ekiraga bamemba ababaddewo mu nkiiko era n'ebigambo ebiteesebwa binakuumibwanga. Bino binasomwanga era nebikakasibwa mu lukung'aana oluddirira.

Eby'okuteessaako.

37. Ensoonga yonna ey'okuteessako mu Lukiiko lwonna, Omukulu w'entebe yanaggyanjulanga oba eneyanjulwanga bamemba babiri, naye kyokka banamalanga okutegeeza Omukulu w'entebe ensonga zebaagala okuteessaako ng'okuteesa tekunatandika. Ebiteesebwako binayinzanga okuva eri Owaggombolola oba eri Ow'essaza.

Obutuufu bw'enkung'aana.

38. Olukung'aana lunabalibwanga nti lutuufu bwerunabangamu bamemba abawera omukaaga.

Enteesa.

39. Olukiiko lunayinzanga okubako byerumala. Ensonga yonna erimu obutakkiriziganya enesalibwanga n'akalulu, era ekirowoozo ky'abasinga obungi kye kinakakasibwanga, era kinatwalibwanga nga kye ky'okuteesaako ekikkirizibwa Olukiiko ekitalina kubuusibwabuusibwa nate. Omukulu w'entebe bw'an'abanga aweereza ekigambo ekiteeseddwa ne kiyisibwa mu ngeri eyo—anayinzanga okuweererezaako okunnyonnyola kwe. Singa enjuyi zombi zenkanankana mu muwendo ogwa kalulu Omukulu w'entebe y'an'asalangawo.

Okugobebwa kwa Bamemba.

40. Tewali n'omu anakkirizibwanga okuba memba w'Olukiiko nga yasibibwako mu kkomera olw'omusango ogumenya amateeka.

Ebifo ebigwawo amangu.

41. Ebifo ebigwawo embagirawo eby'ababaka abatali batongole binajjuzibwanga nga mulonderwamu omuntu eyaddirira mu kufuna obululu obungi mu lukung'aana olwayita; naye bwe binabanga eby'abantu abatuula mu Muluka, Olukiiko lw'Omuluka lunaddangamu buggya okulonda abalala.

42. Tewali kigambo na kimu ekimaze okukolebwako Olukiiko ekinaddibwangamu nate okuteesebwako mu mwaka ogumu wabula nga bamemba abawera $\frac{2}{3}$ (ebitundu bibiri bya kusatu) mu kalulu bakisiimye kiddibwemu okulowoozebwako.

Emirimu gy'Olukiiko lw'Omuluka.

43. Enkiiko z'emiruka zinakolanga emirimu gyonna eginazibwanga okusinziira ku tteeka, oba ku Kiragiro ky'Obufuzi ekya Ssabasajja Kabaka ne Ba-Minister be oba Ow'essaza, oba Owaggombolola.

44. Enkiiko z'emiruka bulijjo zinateesanga ku nsonga ezikwaata ku Miruka gyazo era zinaweerezanga byezinabanga ziteesezza eri Owaggombolola, oba mu Lukiiko lw'Eggombolola.

45. Enkiiko z'emiruka teziteesenga ku kulonda abaami ba Gavumenti Eng'anda, wadde okweyingiza mu by'obufuzi bwayo.

46. Ow'essaza, awamu n'okukkirizza kwa Ba-Minister, an'amenyangawo Olukiiko lw'Omuluka bwe lusukkirizanga ku buyinza bwaalwo, oba bwe lunalemwanga okugoberera etteeka lino oba bwe lunakolanga ekintu kyonna ekiyonoona embeera ennungi n'enfuga mu Ssaza. Ow'essaza, awamu n'okukkiriza kwa Ba-Minister, an'azzangawo Olukiiko oluggya bw'an'alabanga nga kisaanidde. Mu kiseera ekyo Olukiiko kye lunamalanga nga lumenyeddwa ow'Omuluka y'an'atwalanga obuyinza bwaalo era y'an'akolanga n'emirimu gyaalwo. Okumenyawo Enkiiko.

LITEKEDDWAKO OMUKONO ku lunaku 30 olwa November, 1950.

MUTESA,
*Kabaka.*

Printed and Published by the Government Printer, Entebbe, Uganda.